# Eyatta abaana bamusimbye mu kkooti e Mpigi

Bya JOSEPH KINOBE

EBYOKWERINDA binywezeddwa ku kkooti e Mpigi, poliisi bw'ebadde etwala omusuubuzi era omusamize Ivan Muwanga ow'e Kammengo eyawuniikiriza ensi bwe baayaza ewuwe ne basangayo emirambo gy'abantu gye yakaza.

Muwanga 36, yaleeteddwa ne mukyala we, Olivia Nantaba 34 n'omuzimbi John Ssozi Mwesigwa 29, nga bonna batuuze b'e Kanyike mu ggombolola y'e Kammengo e Mpigi. Baasimbiddwa mu maaso g'omulamuzi wa kkooti ento e Mpigi, Solmon Ezera Okem ne basomerwa emisango esatu nga gyonna gya butemu.

Omuwandiisi wa kkooti, Gift Ayimbisibwe yagambye nti Muwanga, Nantaba, Ssozi n'abalala abakyanoonyezebwa baawamba n'okutta Betty Nabuyungo 12, nga December 4, 2025 ku kyalo Lunyerere mu disitulikiti y'e Mpigi.

JOSEPH KINOBE



Muwanga (wakati), Ssozi ne Nantaba ku kkooti e Mpigi.

Omulamuzi yabategeezezza nti kkooti gye balimu terina buyinza buwulira misango gya nnaggomola era n'abasindika ku limanda okutuusa nga January 20, 2026 lwe banaatwalibwa mu kkooti Enkulu.

Okukwata Muwanga, kyaddirira omwana Proscovia Nassazi eyali agenda mu nnimiro okusanga Muwanga n'agezaako okumuvumbagira wabula n'amwesimattulako. Bazadde be baamuloopa ku poliisi y'e Kammengo eyajja n'emukwata. Poliisi yayaza amaka ge enkeera ng'eno gye baagwira ku mirambo emikaze ng'egimu bagyambazza essuuti, ebisigala by'abafu, obuwanga n'ebyawongo.